



Abamu ku bayizi abaatikkiddwa nga basala kkeeki.



Faaza Kiibi

# Abayizi 150, batikkiddwa ku Ice Kenney School of Beauty



Dr. Bbosa n'aba Ebonies ku mukolo.



Alex Kibuuka omu ku bayizi abaatikkiddwa nga bamukwasa ebbaluwa ye. Owookubiri ku kkono ye dayirekita w'ettendekero, Kennedy Mugalu amanyiddwa nga Ice Kenny , minisita wa Kampala, Hajjati Minsa Kabanda n'eyali kamisona mu minisitule y'ebyenjigiriza Dr. Mukasa Lusambu.



Catherine Nampijja (ku kkono), Flavia Namulindwa, Robert Ssewakka, Dr. Mukasa Lusambu, Ice Kenny ne Margret Kisitu Nakato, owa Afros & Mo.

Bya PATRICK KIBIRANGO

ABAYIZI 150, ababanguse mu masomo g'omutwe n'emikono ku ssomero lya Ice Kenney School of Beauty, batikkiddwa ne bakwasibwa amabaluwa gaabwe. Bano babasiribiridde entanda okufaanana bye bakola.

Baasomeseddwa ne babanguka mu bintu omuli; okutunga, okusiba n'okukola emisono gy'enviiri egiriko, okukola 'makeup' n'ebirala bingi.

Omukolo gw'okutikkira gwakulembeddwaamu minisita wa Kampala, Hajjati Minsa Kabanda. Gwetabiddwaako eyali kaminsona mu minisitule y'ebyengigiriza n'ebyemizannyo, Dr. Mukasa Lusambu era ng'ono ye katikkiro w'ekika ky'Empindi, Robert Ssewakka, omusomesa ku Kyambogo University School of vocational studies, department of cosmetology and fashion n'abalala.

Minisita Kabanda yasiimye omutandisi wa Ice Kenney School of Beauty ng'ono ye Kennedy Mugalu amanyiddwa nga Ice Kenney, n'amwebaza okulengerera ewala n'agatta ku nteekateeka ya gavumenti ey'okubangula abavubuka mu by'emikono n'emirimu gy'omutwe kiyite 'skilling'.

Omwogezi omukulu yabadde Bwanamukulu w'Ekigo ky'e Mpigi, Fr. Deogratious Kiibi, eyayozaayozezza abaatikkiddwa n'abasaba okufaanana byebakola, kubanga ebintu bye bagenda okukola bya kulabika bulungi nabo basaanidde okulabika obulungi era nga bawunya bulungi. Yabakuutidde okukola ebintu eby'omutindo ebinaasobola okubakuumira mu kuvuganya naddala mu nsi eno ejjudde okuvuganya. Abavubuka era yabakuutidde bawase, bafumbirwe bazaale nga bakyalina embavu.

Abakulembeze b'abayizi okwabadde Sharon Kanyeerezi ne Cyrus Bazannye, ku lwa bannaabwe beebazizza abazadde ababaweeredde okumalako n'okubawagira mu buli kimu. Era ne beebaza abasomesa baabwe ababakutteko okulaba nga bavaamu abantu.

Omukulu w'essomero, Joan Namulwana yasabye abazadde obutalekera awo kuyamba baana naye babakwasizeeko kubanga bingi bye bakyetaaga.

Dayirekita w'essomero, Kennedy Mugalu amanyiddwa nga Ice Kenny, yagambye nti omuntu yenna yandisomye omulimu gw'ebyemikono kubanga kwekusoma kwokka omuntu kw'atasobola kusoma n'abulwa omulimu.

Abaatikkiddwa yabakubirizza okubeera abamalirivu nga bakola emirimu ssaako okwettanira okunoonyereza n'okwegattako omutindo buli kiseera.

Abayizi baayolesezza ebimu ku bye bayize omwabadde okusiba enviiri, okutunga engoye okukola make up n'ebirala.